# Endabirira y’ebirime ebikulira wansi mu miti gy’ebinazi

Endabirira y’emiti egikulira wansi erimu okuggyamu omuddo omuwanvu n’omuddo ogwonoona ebirime omugumu okuva mu faamu y’ebinazi okukendeeza ku kuvuganya ku birungo n’okusobozesa okumera kw’ebimera ebigatta ekirungo kya nitrogen mu ttaka.

Endabirira y’emiti egikulira wansi nkulu nnyo okusobozesa emiti gy’ebinazi okukula obulungi kubanga eggyawo omuddo ogwonoona ebirime mu nnimiro y’ebinazi olwo ne kikendeeza okuvuganya kw’ebirungo mu birime era n’okukendeeza ku ssente eziteekebwamu. Ekirala okulabirira emiti egikulira wansi kiyamba ku kula kw’ebimera ebigonvu mu nnimiro z’ebinazi.
Ebikozesebwa
Bulijjo mu ndabirira y’emiti egikulira wansi, abakozi balina okuweebwa ebikozesebwa nga ebbomba, ekyuma ekikungula ebinazi ne payipo y’ekyuma ya mita bbiri, eddagala eriragiddwa okugeza erya garlon (liita 1-3 ku buli yiika kkumi na nnya). Okwongerako amafuta okusingira ddala aga diesel (liita 5-15 ku buli yiika kkumi na nnya), ekigimusa kya rock phosphate (kilo 500 ku buli yiika kkumi na nnya).
Enkola z’okutangira omuddo ogwonoona ebirime
Enkola y’okusaawa, kino kikolebwa omuddo ogwonoona ebirime we gukuze, okusaawa kugobererwa okufuuyira ennimiro y’ebinazi n’eddagala eriragiddwa.
Enkola y’okususumbula omuti, kino kikola ku bika by’emiti ebigumu era mulimu, okuggyako omubiri gw’omuti ogw’ebweru era n’osiigako eddagala eriragiddwa n’amafuta ga diesel.
Enkola y’okulima, muno mulimu okulima wansi w’omuti ng’okozesa akuuma akalima ebinazi.
Okwongera ku bugimu bw’ettaka
Fuba okulaba nga omezesa ebimera ebigonvu okuyita mu kukozesa ebigimusa bya phosphate.
Tabulanga ensingo ezoongera ekirungo kya nitrogen mu ttaka n’ebigimusa bwoba osimba ebirime ebyo mu nnyiriri z’emiti gy’ebinazi. Ekisembayo, mansa ebigimusa singa ebimera

ebikulira wansi bitandika okumera era kino kikolebwa okubisobozesa okukula amangu n’okusaasaana.